# Kasasiro mu katale e Gaba acuuma

## Abasuubuzi beeraliikirivu okubaleetera endwadde

Bya BENJAMIN SSEMWANGA

ABASUUBUZI abakolera mu katale k'e Gaba mu munisipaali y'e Makindye, beekokkodde obucaafu obuli mu katale ne beeraliikirira nti bwandibaleetera obulwadde naddala obuva ku bucaafu.

Bano bagamba nti, kasasiro omungi akung'aanyizibwa okuva mu katale kano tatwalibwa, nga n'emyala egirimu gibooga era gibaamu obucaafu ng'enkuba etonnye amazzi ne ganjaala ekireetedde abasuubuzi okutya.

Omu ku basuubuzi mu katale kano, Siraje Katende agamba nti ekisinga okuleeta obuzibu, kwe kubeera ng'akatale kano kalwawo okulongoosebwa ng'ate n'abakulembeze abamu abalina obuvunaanyizibwa okutuukiriza omulimu gw'okuyonja akatale kano, tebakikola.

Kuno agattako n'okubeera nga ssente ezisoloozebwa okuva mu katale kano, ziteekeddwa okulongoosa akatale omuli okugogola emyala n'okuyambako ku bimotoka bya kasasiro okumutwala gy'alina okubeera, kyokka nakyo tekikolebwa mu budde.

Amyuka ssentebe w'akatale kano, Diriisa Gamuel yagambye nti enkuba ebadde etonnya ebiseera bino y'ebadde ereeta kasasiro akung'aanyizibwa okuva mu byalo eby'enjawulo n'aggweera mu mwala gw'akatale.

Agamba oluvannyuma, ebicaafu bino ne kasasiro bamaliriza ng'abakulembeze be balongoosezza okulaba nga bakuuma obuyonjo mu katale.

Ssentebe wa LC I akatale kano mwe kali, Gabudyeri Musisi agamba bamaze ebbanga nga beemulugunya ku bukulembeze bw'akatale kano obwalina okumala ebbanga lya myaka ebiri okusinziira ku ssemateeka afuga akatale.

N'agamba nti, abakulembeze abaalina okuwummula, obukulu babukwase abantu abapya, baalemerawo ate ng'emirimu gye balina okukolera abasuubuzi tebagikola bulungi ekireetedde n'obucaafu okweyongera mu katale.



Omusuubuzi ng'alaga entuumu ya kasasiro akung'aanyizibwa mu katale k'e Gaba n'atatwalibwa.

### Abantu boogedde



**Richard Kigongo:** Ebicaafu byonna biva ku kyalo waggulu engeri akatale gye kali mu kikko wabula oluvannyuma lw'akatale okukola mu nnaku zaako ebbiri, kasasiro ono n'ebicaafu bimala ne biggyibwa mu katale.



**Claire Najjemba:** Walina okubaawo enkwatagana wakati wa Townclerk okuleeta ekimotoka kya kasasiro kimuggye mu katale. Nze ng'omukulembeze eyaakalayira, bino bye bimu ku bye nsuubira okutandikirako.



**Beckam Kakooza:** Kikulu okukwatagana n'abakulembeze abatwala eby'okuyonja mu Makindye ne bayambako okuddukanya ku by'obuyonjo bw'akatale kano awatali kusika muguwa.